eddaame lya chwa
Posted by fikema - 2008/02/25 17:39

Bakiise banange mbalamusiiza nnnyo era mwebale egibakooya.Nebaaza nnyo atukumiira mpera okubakuuma nemuba nti mukyali balamu.Liiso ddene oyo ayongere okuuma.

Akayimba akange akakyasinze okunyuumira ku connect yaffe sikaluumamu,nkogera nesimbye era ke ka jaaja ffe omugenzi sebadduka christopher akayitibwa EDDAAME LYA CHWA.Kankozese nakakiisa kano okwebaza connector waffe omwami MIKE MULAMBUUZI okukobola okukanzanyiira ku sundayshow ewwedde.Mbagaliiza mirembe myerere AWANGAAALE SABASAJJA KABAKA

==========

Re:eddaame lya chwa
Posted by omumbejja - 2008/02/26 00:22

Nange Fikema nkwegasseeko kwaabo abakawomerwa era nage kanyongere okwebaza Mike yonna gyeyakakwekula webale amakula ge mbuga

AWANGAAALE SABASAJJA KABAKA WA BUGANDA

==========

Re:eddaame lya chwa
Posted by fikema - 2008/02/26 16:34

Sebo omumbejja webale kusima kayimba,olabye bwemanyi ebikunyuumira??Anti nge era bwenakugamba ku sundayshow ewedde,natakuula omutwe okulaba nga nfuna akanakumira ne kyomukisa connector nakakubira.Nze nkalina ku butambi bwaffe ebwedda obwa kaseeti era nkawuliriza buli lwemba njagaridde.Katino twandisabye connector waffe akatuteere mu jukebox abantu baffe gamba nga robster abakunyumirwa ku lulwo basobole okawuliranga wona webaba bakagalidde.

AWANGALE SABASAJJA

==========

Re:eddaame lya chwa
Posted by kingo - 2008/02/26 17:04

Fikema, nkubuulira nti omusajja Christopher awo yali

ayambadde engatto za ba PROPHETS. Byonna byeyayogerako

byatukirira era ebimu bikyagenda mu maaso.

==========

Re:eddaame lya chwa
Posted by Meli - 2008/02/28 02:39

Bano be bayimbi abayitibwanga obutuufu abasomesa. Ate okusinga bajjukizanga ebintu ebyabanga ebyerabirwa mu nnono. Naye bayimbanga nebyafaayo, bwekityo nga okujjukira ebintu bingi mu history we ggwanga neyalinga ebweeru nga olina kuyita buyisi mu luyimba. Eddaame lya Chwa, buli muntu yenna anyumirwa ebyafaayo limunyumira, nabuli muntu afaayo ku Buganda. Kubanga kino ekiwandiiko kye byafaayo ekiri mu luyimba. Tebereeza nga waliwo amasomero nga wano agasomesa ebyafaayo bya Buganda, ekibuuzo ekikwata ku ddaame eryo ani akigwa?

==========

Re:eddaame lya chwa
Posted by Mirembe2007 - 2008/02/28 13:24

Waliberawo ebiwooma nga okubulililwa okwo okwtekebwa muluyimba Banganda banange? ekyo kyekikulaga nti Katonda yalonda Kabaka era namuwa amagezi agenjawulo okumwawuula kubantu abalala olwokuba ajja kutwala abantube mubufuzibwe nga akozesa obwesigwa nokwagala kwalina eri abantu nokubasalila emisango ejensonga ngamwenkanyi.Ago gali makula nnyo eri O Buganda neba Kabaka bonna abaddawo nekituwa okuguma kubanga tumanyi nti tulina ababeezi abatukumila obwa Kabaka bwaffe ngabayita oba ngabajukila ebyo ebyabakutilwa abo ababasokawo Buganda nebaawo era nebeera yamaanyi mubwa kabaka bwayo.Buganda ebeewo Awangaale ssabasajja bonna baSsekabaka Mukama Abeere nabo.Ssebadduka yeyali wanjawulo nnyo mubayimbi naye Awuumule mirembe yatuusa amakula era fenna twejukanya.

==========

Re:eddaame lya chwa

Posted by rambuka - 2008/02/28 23:14

GOD BLESS OUR KING-------READY TO GO AND FIGHT FOR BUGANDA WHEN HE SAYS TIME OUT-----GWANGA MUJJEE------WANGALA AYYI SABASAAAJJAA KABAKAA WA BUGANDAA

==========